# Aba ffamire abaasaanyeewo mu kabenje baziikiddwa mu ntaana emu

Bya ALI WASSWA



Ainembabazi ne bba Ivan Nuwagaba abaafudde n'abaana baabwe mu kabenje.

ALI WASSWA



Entaana aba ffamire abaafudde olumu mwe baaziikiddwa e Rukiga.

ABA ffamire abaasanyeewo mu kabenje baziikiddwa mu ntaana emu, wakati mu miranga n'okwaziirana ebyasaanikidde ekyalo Kyogo ekisangibwa mu ggombolola y'e Kamwezi mu disitulikiti y'e Rukiga.

Emikolo gy'okusabira abagenzi gyakoleddwa ku kkanisa ya Kyogo Church of Uganda, nga gyakulembeddwaamu Omulabirizi w'Obulabirizi bw'e Kigezi Rt. Rev. Gaddie Akanjuna. Kumpi buli muntu eyabadde mu kusaba kuno yakumazeeko ng'akulukusa maziga olw'ekikangabwa kino ekyalese eggwanga nga liri mu nnyiike ey'amaanyi.

Abagenzi bonna baaziikiddwa mu ntaana emu, eyakoleddwaamu ebisenge nga buli omu ali mu kisenge kikye. Abagenzi kuliko Ivan Nuwagaba 38, mukyala we Brenda Inembabazi 34, abaana baabwe okuli Kelon Agaba ow'emyaka ebiri, Keith Agaba 15, Keisha Atuhirwe 8, ne Kenen Masiko ow'emyaka etaano, kwossa muganda wa Nuwagaba Sayuni Turihonabwe 39.

Olw'okuba amaka ga Muzeeyi Benon Swaibu Atuhirwe (yasiramuka luvannyuma) gaabadde mafunda, kwe kusalawo emikolo gy'okusabira emyoyo gy'abagenzi bagikolere ku kkanisa. Muzeeyi Swaibu ye ttaata w'abagenzi Nuwagaba ne Turihonabwe kyokka nga buli omu alina maama we.

Ennaku yayongedde okukwata abakungubazi, bwe baababuulidde nti Muzeeyi Atuhirwe taata w'abagenzi teyasobodde kubeerawo kubanga amaze emyaka mukaaga ku ndiri oluvannyuma lw'okufuna akabenje akaamukutula omugongo.

Kyokka ne taata wa Inembabazi naye teyasobodde kuziika ku muwala we, kubanga yakubwa situlooko n'asannyalala nga takyasobola kutambula.

Omulabirizi Akanjuna embeera eyatuuse mu maka ga Atuhirwe yagambye nti efaananako n'eyatuuka mu maka ga Yobu ow'omu Bayibuli, eyafiirwa eby'obugagga bye byonna n'abaana be, ate naye n'alwala nnyo, kyokka n'asigala nga anyweredde ku Katonda.

Yasabye aba ffamire obutawuliriza mboozi za kweraguza, wabula banywerere ku Katonda mu kiseera kino eky'okusoomoozebwa.

Aba ffamire baalaze obulumi bwe balimu, kubanga abagenzi baabadde n'ebirooto eby'amaanyi, nga Nuwagana ne Ainembabazi babadde bategeka okugattibwa mu bufumbo obutukuvu omwaka 2026, kwossa okugaziya bizinensi yaabwe ey'okutunda ggaasi.

Ate ye Turihonabwe abadde ateekateeka kuddayo kusoma diguli yakubiri mu by'okubala ebitabo.

Abasuubuzi abeegattira mu kibiina kya Kyengera Business Community, abagenzi mwe babadde nga bammemba, baalaze okunyolwa olw'okufiirwa bammemba baabwe, be baayogeddeko ng'abantu ab'amazima ate ab'ekisa.

Abagenzi baafuna akabenje ku Lwomukaaga ekiro nga bukya ku ssaawa 10:30 ku kyalo Njagalakasaayi ekisangibwa mu Town Council y'e Kinoni mu disitulikiti y'e Lwengo.

Omwogezi wa Poliisi mu bitundu by'e Masaka, Twaha Kasirye agamba nti abagenzi emmotoka gye baabaddemu eya Toyota Filder nnamba UBH 476W, ye yava mu layini yaayo ng'egezaako okuyisa, n'egenda ku ludda olulala gye yasanga FUSO nnamba UBP 510 V, ne zeetomera bwenyi ku bwenyi.



Abaana abaafudde ne bazadde baabwe mu kabenje e Lwengo.